# Engeri Palamenti gye yayisizza emisolo mu mbalirira y'omwaka ogujja

Bya KIZITO MUSOKE NE TEOPISTA NAKAMYA



Minisita Musaasizi (wakati) ng'aliko by'awuliriza okuva ewa Sipiika n'ababaka abalala.

PALAMENTI ya Uganda yayisizza emisolo egisuubirwa okuvaamu obuwumbi 1800 mu bajeti y'omwaka 2026/2027 omuli n'omusolo ku mafuta n'ebirala ebyeyambisibwa mu bulamu bwa bulijjo.

Gavumenti esuubira obuwumbi 44,500 mu misolo n'enkola endala okuva ku buwumbi 37 ezaabalagirwa mu mwaka guno. Buli liita y'amafuta ga dizero ne peetulooli baagyongeddeko omusolo gwa 200/-. Okutandika ne July buli liita ya peetuloori ejja kuba evaako omusolo gwa 1,750/- ate dizero eveeko 1,430/-. Ku mafuta gokka, Gavumenti esuubira okukung'aanya obuwumbi 450.

Buli kasawo ka seminti, white cement, lime, grout, ne adhesive aka kkiro 50, kagenda kuvaako omusolo gwa 750/-. Okusooka Gavumenti yabadde eyagala omusolo gubeere gwa 1,000/- kyokka ababaka ne bakiwakanya wakati mu kusika omuguwa.

Langi ne vanisi ebiggyibwa ebweru w'eggwanga, biteereddwako omusolo gwa bitundu 10 ku 100 oba 2000/- buli liita. Langi ekolebwa wano, omusolo ogugiteereddwaako ku buli liita oba kkiro gwa bitundu 3 ku 100.

Butto ateereddwaako omusolo gwa 400/- buli liita ate omuzigo ogufumba 500/-. Sukaali ateereddwaako 200/-.

Omusolo omulala ogulinnyisiddwa okuva ku doola 70 okudda ku 1,500 buli ttani, gwa bintu bya pulasitiika okuli ebikopo, essowani, ensawo, obuseke n'ebirala nti kuba bisusse okwonoona obutonde. Kyokka pulasitiika akozesebwa mu by'eddagala n'okujjanjaba yalekeddwa ebbali.

Omwenge ekika kya waragi (Spirits) oguva ebweru ogubadde guggyibwako omusolo gwa 1700/-, kati Gavumenti yaakuguggyangako 3500/-

Palamenti era yalinyisizza omusolo ku pikipiki eziwandiisibwa okuva ku mitwalo 200,000/- okudda ku mitwalo 500,000/-. Engoye z'emivumba baazongeddeko omusolo okuva ku bitundu 15 okutuuka ku 30 ku 100. Omusolo guno Ibrahim Ssemujju yaguwakanyizza ng'agamba abantu bangi tebalina busobozi bugula ngoye mpya.

Ababaka bakkaanyizza ne Muhammad Nsereko (Kampala Central) ku ky'obutateeka musolo gwa VAT ku software ava mawanga g'ebweru kuba kiyinza okulemesa tekinologiya okukula.

Ababaka era baalinyisizza obungi bwa ssente bizinensi esasula omusolo gwa VAT ng'enkozesa enkola ya EFRIS okuba ng'esobola okutunda ebintu bya bukadde 300. Baaguggye ku bukadde 150.

Palamenti yawakanyizza akawaayiro mu tteeka erifuga eby'enguudo akaabadde kawera okuyingiza mu ggwanga ebidduka ebisussa emyaka 13 okuva lwe zaakolebwa era ne kisuulibwa ebbali. Omusolo gwa stamp duty ku ttaka, Gavumenti yabadde eyagala gulinnye okuva ku 1.5 ku 100 okutuuka ku bitundu 3 ku 100. Kyokka ababaka baakiwakanyizza era minisita Henry Musaasizi n'akkiriza gusigale nga bwe gubadde.

Musaasizi era yabadde ayagala amagoba abantu ge bafuna mu ssente nga batunze ettaka kussibweko omusolo gwa bitundu 6 ku 100, kyokka ababaka baakiwakanyizza nga bagamba nti abantu batunda lwa bizibu.

Abantu abatandikirwako okusasula omusolo gwa Pay As You Earn gwalinnyisiddwa okuva ku bafuna 235,000/- okutuuka ku basasulwa 350,000/- buli mwezi. Kyokka ababaka abamu nga Jonathan Odur (Erute North) baabadde baagala abagusasula babeere nga bafuna okutandikira ku 600,000/-.